# King's College Budo litongozza ekizimbe mu Ssekabaka Daudi Chwa II

Bya PETER SSUUNA, PATRICK KIBIRANGO NE JOAN NANGOOZI



Katikkiro Mayiga ng'aggulawo ekizimbe Ssekabaka Daudi Chwa II. Addiriddwa Ssaabalabirizi Kazimba Mugalu n'Omulabirizi w'e Namirembe, Moses Banja.

KATIKKIRO Charles Peter Mayiga atongozza ekizimbe gaggadde ku ssomero lya King's College Budo.

Ekizimbe kino eky'emyaliiro esatu kiriko ebibiina 32 nga kyabbuddwa mu Ssekabaka Daudi Chwa II. Ebibiina biteereddwaamu tekinologiya ow'omulembe agenda okweyambisibwa okusomesa abayizi, omuli n'entimbe za ttivvi.

Omukulu w'essomero, Can. John Fred Kazibwe yagambye nti, eby'okusomeseza ku mbaawo, e Budo bifuuse lufumo.

Okutongoza ekizimbe kino kwakoleddwa wamu n'okusaba kw'okwebaza obuweereza bwa Kazibwe obw'emyaka ena gy'amaze ng'omukulu w'essomero lino. Okusaba kwakulembeddwa Ssaabalabirizi w'Ekkanisa ya Uganda, Dr. Stephen Kazimba Mugulu ng'ayambibwako Omulabirizi wa Namirembe, Moses Banja ku Ssande.



Omukulu w'essomero lya King's College Budo, Can. John Fred Kazibwe ne mukyala we, Dr. Ann Kazibwe.

Katikkiro Mayiga mu kwongera kwe yagambye nti, Obwakabaka butadde ettoffaali ku byenjigiriza naddala nga bawaayo ettaka okutudde amasomero amatutumufu mu Buganda nga ne King's College Budo mw'ogitwalidde.

Yakkaatiriza nti, eky'okubbula ekizimbe mu linnya lya Ssekabaka Daudi Chwa II kabonero akalaga okujjukira n'okusiima.

Mayiga yakubirizza abazadde okuteeka ssente mu baana baabwe nga babateeka mu masomero amalungi kuba buvunaanyizibwa bwabwe. N'asiima Kazibwe olw'obuweereza obw'ekyokulabirako era n'amwagaliza okuwummula obulungi.

Can. John Fred Kazibwe agenda okuwummula, yasiimye Ekkanisa olw'okumuwa omukisa okuweereza n'okulaga obusobozi bwe, ne yeebaza abamukwatiddeko naddala mukyala we, Dr. Anne Kazibwe. Kazibwe yafuuka omukulu w'essomero lino nga November 29, 2021.

Ssaabalabirizi Kazimba yeebazizza Katikkiro olw'obuweereza n'ebigambo eby'amagezi by'asibirira abantu bulijjo. Yasiimye Kazibwe olw'okubbula ekizimbe mu linnya lya Ssekabaka Daudi Chwa II eyakolerera Ekkanisa.

Kazimba yayogedde ku bukulu bw'okuleka omukululo era ne yeebaza Kazibwe nti, yonna gy'ayise by'akoze byeyogerera. Yakuutidde olukiiko lw'essomero obutageraageranya muntu anaddira Kazibwe mu bigere kuba buli omu Katonda amuwa ebirabo eby'enjawulo.

Omulabirizi Banja yasiimye Can. Kazibwe ne ttiimu ye olw'okukulaakulanya essomero n'akubiriza abakulira amasomero naddala ag'Ekkanisa okwaniriza enkulaakulana n'okukola okulaba nga baleka omukululo we bavudde.

Omukolo gwetabiddwaako bannaddiini abalala okwabadde eyaliko Omulambirizi wa Namirembe, Wilberforce Kityo Luwalira, Omulabirizi wa Kampala eyawummula, Rt. Rev. Hannington Mutebi, Omulabirizi wa West Buganda, Gaster Nsereko ne mukyala w'Omulabirizi w'e Namirembe Polof. Olivia Nassaka Banja. Abalala kwabaddeko; Ssaabadinkoni w'e Nateete Ven. Can. Geofrey BK Buwembo, omumyuka wa Katikkiro owookubiri era omuwanika wa Buganda Robert Wagwa Nsibirwa, omukubiriza w'olukiiko lwa Buganda, Patrick Luwaga Mugumbule, omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu, Sarah Bireete n'abalala.